
**Lwaki tulina akaweta k'omubukyala okuziyiza akawuka ka mukenenya**?

Okubeera n'engeri enyingi ez'okuziyiza akawuka ka mukenenya kikulu kubanga buli mukyala ayiinza okuba n'ebyetaago ebyenjawulo.Obuweta obw'omubukyala buyiinza okuwa emigaso egyiwerako.



- **Bukola ebbanga eddene:** obuweta obw'omubukyala buteekebwa mu bukyala okumala omwezi. Kino kiyinza okuyamba abakyala abakisanga nga kizibu okujjukira okukozesa ekintu buli lunaku oba mu kiseera eky'okwegatta ne muganziwo.
- **Obwangu obw'okukakozesa**: Abakyala abasiinga basanga akaweta nga kangu okutekayo era n'okujjayo.
- **Tekalina bulabe:** Okunoonyereza kwalaga nti akaweta tekalina bulabe.
- **Okukoozesebwa mu kyaama:** Akaweta k'omubukyala kasobola okutekebwayo era n'okugyibwayo mukyaama.Abakyala bayinza okwenyumiriza mu nkola eno eyekyaama bwebaba tebaagala bantu balala kumanya nti bakozesa ekiziyiza akawuka kamukenenya.

**Akaweta ak'omubukyala aka Dapivirine kakola katya?**

Akaweta nga kali mu bukyala, eddagala lya Dapivirine litandiika mpola okuvamu.Dapivirine akolo nga aziyiza akawuka okwekubisamu. Kale singa omukyala aba yegasse n'omuntu alina akawuka nga akaweta ka Dapivirine gyekali, Akawuka kasobola okufa nga tekanasaasaana mu mubiri gwe. Okunoonyereza kwalaga nti akaweta akalimu Dapivirine kasobola okukendeeza emikisa gy'okufuna akawuka kamukenenya mu bakyala. Bwekakozesebwa buli kiseera, nga otwaliddemu ne mukwegatta oba mu nsonga z'abakyala, obuzibu obw'okufuna akawuka kamukenenya bukendeera nnyo.

**Akaweta kazibu okutekayo n'okujjayo?**

Abakyala abasinga basanga akaweta nga kangu okutekayo n'okujjayo.Tewetaagisa kisereza/kigonza okutekayo akaweta. Naye osobola okukosesa amazzi nga bwoyagala.Akaweta bwekaba katekedwayo bulungi,abakyala abasinga tebakawulira.

**Akaweta kasobola okumulungukiramu oba okumbuliramu?**

Nedda. Akaweta tekagya kumulunguka .Okumala omwezi ,eddagala lya dapivirine livamu mpola naye ko akaweta takakyuka.Akaweta tekasobola kusindikibwa wala nnyo oba okubulira munda mu mubiri.

**Akaweta kanavayo n'ekagwa?**

Kino tekitera kubaawo,nayenga kisobola okubaawo.Singa abakyala beralikirira nti akaweta kavudeyo,basobola okukozesa olugalo lwaabwe okulaba oba nga akaweta kakyaliyo oba okuddamu okukatereza.Singa akaweta kagwa,kasobola okunaziibwa mu mazzi amayonjo era n'ekaddamu okutekeebwayo.

**Waliwo obulabe obuva ku kukozesa akaweta?**

Okunoonyereza okwakolebwa kwalaga nti akaweta ka dapivirine ak'omubukyala tekalina bulabe okukaleka nga katekeddwayo okumala omwezi.<u>Tekakyusa</u> mu sayizi oba mu kikula ky'obukyala bw'omukazi,tekaleeta kokolo w'okumumwa gwa nabaana oba okuleeta obuzibuu obwamanyi kubulamu.Akaweta tekatataganya kulwala kw'omukyala okwabuli mwezi.

**Abakyala oba baganzi babwe banawulira akaweta kano nga begatta?**

Abakyala abamu n'ebaganzi babwe bayinza okuwulira akaweta nga begatta.naye kino tekyigya kubatusaako bulabe. Abakyala bakubirizibwa okubaganya ebirowoozo ku kukozesa akaweta na baami babwe. Okuleka akaweta nga katekeddwayo buli kiseera, ng'otwaliddemu ne mu kwegatta, kiwa okuziyiza kwamanyi nnyo obutafuna akawuka kamukenenya.



**Watya abakyala bafuna embuto nga bataddeyo akaweta? Kanakosa abaana babwe?**

Abanoonyereza tebannamanya ngeriki Dapivirine gyayinza okukosa mu mwana w'omukyala singa akoseza akaweta ate ng'ali lubuto.Yensonga lwaki ,abakyala basabibwa okukozesa enkola eyo kwegema okuzala nga bakozesa akaweta era n'okulekerawo okukozesa akaweta singa bafuna olubuto.Okunoonyereza kutegekebwa okukolebwa okulaba oba tekirina bulabe okukozesa akaweta ng'oli lubuto.

**Waliwo ekintu kyonna abakyala kyebalina okwewala nga bakozesa akaweta?**



Wadde omukyala akozesa oba takozesa kaweta, enkola ennungi kubikwata kubikozesebwa mubukyala ziwagirwa abakozi mu kunoonyereza.Abakyala tebalina kukozesa mazzi galimu ddagala agalongosa(douches) munda mu bukyala,sabuuni, oba ebintu ebirala ebirimu sabuni okulongosa munda mu bukyala. Abakyala tebalina kukozesa  ddagala ganda oba ebintu ebikaza oba okufunza obukyala.  Okukola bino kyabulabe era kiyinza okwongera omukisa gwokukwatibwa obulwadde mu bukyala.

Nga okozesa akaweta, okukozesa  Diaphragms,menstrual cap ne cervical cap nabyo  tebikirizibwa era n'okukozesa akaweta k'omubukyala akagema okuzaala kiwerebwa. Abakyala basobola okukozesa tampons,obupiira bu kalimpitawa obwa baami na bakyala,spermicides,ebisereza,IUCD(loop), neddagala eddala oba ebikozesebwa eby'omubukyala nga bikuwereddwa omusawo.

Bwoba olina ebibuuzo  oba  nga wetaaga okumanya ebisingawo ,mwattu kyalira kilinika y'okunoonyereza:

MU-JHU Research Collaboration/ MUJHU CARE LTD
P.O.BOX, 23491
Upper Mulago Hill Road
Kampala, Uganda
TEL: 0414 541 044

Version 1.0, 13APR2016

HOPE

*Out of ASPIRE, there is HOPE*

# Ebibuuzo ebitera okubuuzibwa ku buweta obw'omubukyala obwa Dapipvirine



Andrew Loxely